

Dernilo Pascua eyakulembeddemu aba Church of Christ ng'akwasa ssentebe Isaac Namabaale oluzzi.

# Ab'e Butabika bawonye amazzi amacaafu

Bya JOANITA NANGONZI

ABATUUZE b'e Butabika Hospital Village bafunye ku buweerero oluvannyuma lw'okubazimbira olutindo n'oluzzi lwa nnayikondo nga bano babadde batawaanyizibwa okutambula olw'emyala eminene okwetooloola ekyalo ate era nga kibadde kibakaluubiriza n'okufuna amazzi.

Oluzzi luno n'olutindo byazimbiddwa aba Iglesia Ni Cristo Church of Christ okuyita mu kitongole kya Human Care abakulembeddwamu Dernilo Pascua okuva e Filipino era nga byatongozeddwa ne bikwasibwa ssentebe Isaac Namabaale ow'ekitundu kino abantu basobole okutandika okubikozesa.

Dernilo Pascua eyakulembeddemu aba Church of Christ yategeezezza nti ng'Abakristaayo balumwa nnyo bwe balaba abantu nga batawaanyizibwa naddala ku nsonga ekwatagana ku byobulamu era bwe baategeezebwa ng'obulamu bw'abantu buli mu buzibu olw'obutaba nan zizi ate nga n'olutindo lwe bayitako lwamakonko, baasalawo okujja mu Uganda okubadduukirira.

Ssentebe ku Butabika Hospital Village, Isaac Namabaale yeebazizza aba Church of Christ olw'okulumirirwa obulamu bw'abantu b'akulembera.